# Tumutendereze Mukama!



Byakunnganyizibwa Watson Goodman     Ka Bwereere—Tekatundibwa

# TUMUTENDEREZE MUKAMA

**Mukama yankubiriza okukozesa eddakika 15 buli lunakku okumutendereza kyokka. Nakizula kinno nga kinfula omusanyufu era Omukristayo omuwanguzi.**

**Mwattu tomala gasoma katabo kanno. Kakozese ng'omukulembeze omukulu ow'omutima ogujjudde ettendo eri Katonda waffe omukulu era omulamu ogwebuziba. Londa ebitundu mu Byawandiikibwa buli nkya era obeere mukutendereza mu maaso ga Mukama. Leka ettendo libeere ddamu era eritasalako.**

## *Wegatte Ku Kibina Ky'ensi Yonna Ekitendereza*

**Mukama yankubiriza okutegeza akakadde kalamba ak'abantu mu nsi zonna okwetolola okutendereza eddakika 15 buli lunakku. Twenoonye ffe benyini tufune ekisanidde. Ekyo ekyandibadde ekikulu ekisinga okutendereza n'omutima gwonna Kabaka wa bakabaka? On'oba omu kw'abo obukadde? —Watson Goodman (1920-2002)**

---

Text has been reprinted from the Bible in Luganda by permission of United Bible Societies, Africa Regional Centre, Nairobi, Kenya.

# MUMUTENDEREZE MUKAMA N'ESSANYU ERITUUKIRIDDE



Musanyukire Mukama, mujaguze, mmwe abatuukirivu . . . .
—Zabbuli 32:11a

Ekigambo kya Mukama waffe ne kibuna mu nsi eri yonna. . . . Abayigirizwa ne bajjula essanyu n'Omwoyo Omutukuvu.
—Ebikolwa By'Abatume 13:49 ne 52

Okugezebwa kw'okukkiriza kwammwe okusinga omuwendo ezaabu eggwaawo, newakubadde ng'egezebwa mu muliro, kulyoke kulabike okuleeta ettendo n'ekitiibwa n'okugulumizibwa Yesu Kristo bw'alibikkulibwa: gwe mwagala nga temunnaba kumulaba: gwe mutalaba kaakano naye mumukkiriza, ne mujaguza essanyu eritayogerekeka, eririna ekitiibwa. —1 Peetero 1:7, 8

Abaagalwa, temwewuunyanga olw'okwokebwa okuli mu mmwe, okujja gye muli olw'okubakema, ng'abalabye eky'ekitalo: naye, kubanga mussa kimu mu bibonoobono bya Kristo, musanyukenga; era ne mu kubikkulibwa kw'ekitiibwa kye mulyoke musanyuke n'okujaguza. —1 Peetero 4:12, 13

Kale nammwe kaakano munakuwala: naye ndibalaba nate, n'emitima gyammwe girisanyuka, n'essanyu lyammwe tewali muntu alibaggyako. —Yokaana 16:22

# 2 SAAYO OMUTIMA GWO MUKUTENDEREZA MUKAMA

Era onooyagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, nemmeeme yo yonna, n'amaanyi go gonna.
—Ekyamateeka Olw'okubiri 6:5

Neebazanga Mukama n'omutima gwange gwonna; naayolesanga ebikolwa byo eby'ekitalo byonna. —Zabbuli 9:1

Nneebazanga n'omutima gwange gwonna: Mu maaso ga bakatonda naayimbanga okukutendereza. Nnaasinzizanga eri yeekaalu yo entukuvu, era nneebazanga erinnya lyo olw'ekisa kyo n'olw'amazima go: Kubanga ogulumizizza ekigambo kyo okusinga erinnya lyo lyonna. —Zabbuli 138:1, 2

Weebaze Mukama, ggwe emmeeme yange; ne byonna ebiri munda yange, mwebaze erinnya lye ettukuvu. —Zabbuli 103:1

Omuntu omulungi ekirungi akiggya mu tterekero eddungi ery'omutima gwe. —Lukka 6:45a

### *Omuntu Ono Yakissako Omutima Ggwe*

N'amukwata ku mukono ogwa ddyo n'amuyimusa. Amangu ago ebigere bye n'obukongovvule ne bifuna amaanyi: n'agolokoka mangu n'ayimirira n'atambula, n'ayingira nabo mu yeekaalu ng'atambula ng'abuuka ng'atendereza Katonda.
—Ebikolwa By'Abatume 3:7, 8

### *Katonda Abeera Awali Ettendo*

Naye ggwe oli mutukuvu, ggwe atuula mu matendo ga Isiraeri.
—Zabbuli 22:3

### *Okuba Omusanyufu N'okubala Ebibala, Kuuma Ettendo Nga Lirindirita Katonda*

Ettendo likulindirira, ai Katonda, mu Sayuuni. —Zabbuli 65:1a

Mujje, tuyimbire Mukama: Tuyimbire n'eddoboozi ery'essanyu ejjinja ery'obulokozi bwaffe. Tujje mu maaso ge n'okwebaza, tumuyimbire n'eddoboozi ery'essanyu ne zabbuli. —Zabbuli 95:1, 2

Abantu bakutenderezenga, ai Katonda; abantu bonna bakutenderezenga, ensi ereese ekyengera kyayo: Katonda, ye Katonda waffe, anaatuwanga omukisa.
—Zabbuli 67:5, 6

### *Ettendo Liwoonya Okutya*

Kubanga Katonda teyatuwa ffe omwoyo ogw'okutya, wabula ogw'amaanyi era ogw'okwagala era ogw'okwegenderezanga.
—2 Timoseewo 1:7

### *Ettendo Ye Saddaka Y'omukristayo Weweyo Eri Ettendo*

Kale mu oyo tuweereyo eri Katonda bulijjo ssaddaaka ey'ettendo, kye kibala eky'emimwa egyatula erinnya lye.
—Abaebbulaniya 13:15

Mumutendereze Mukama: mumutendereze Mukama, mmwe abayima mu ggulu: mumutendereze mu bifo ebya waggulu. Mumutendereze, mmwe bamalayika be bonna: mumutendereze, mmwe eggye lye lyonna. Mumutendereze, mmwe enjuba n'omwezi: mumutendereze, mmwe emmunyeenye zonna ezaaka. Mumutendereze, mmwe eggulu ly'eggulu, nammwe amazzi agali waggulu w'eggulu. Bitendereze erinnya lya Mukama: Kubanga yalagira, ne bitondebwa. Era yabinyweza okutuusa emirembe n'emirembe: yateeka etteeka eritaridiba. Batendereze erinnya lya Mukama; kubanga erinnya lye yekka lye ligulumizibwa: ekitiibwa kye kiri kungulu ku nsi ne ku ggulu.

—Zabbuli 148:1-6 ne 13

Eggulu n'ensi bimutenderezenga, ennyanja ne byonna ebigitambuliramu. —Zabbuli 69:34

Kale eri mmwe abakkiriza omuwendo mungi . . . . Naye mmwe muli ggwanga ddonde, bakabona ba kabaka, kika kitukuvu, bantu ba nvuma, mulyoke mubuulirenga ebirungi by'oyo eyabayita okuva mu kizikiza okuyingira mu kutangaala kwe okw'ekitalo: edda abataali ggwanga, naye kaakano muli ggwanga lya Katonda.

—1 Peetero 2:7a, 9, 10a

# BULI OMU AYITIBWA MU BAYIMBI BE ABAMATENDO

Mukale mukube mu ngalo, mmwe amawanga gonna; mwogerere waggulu eri Katonda n'eddoboozi ery'okuwangula. Muyimbe okutendereza Katonda, muyimbe okumutendereza; muyimbe okutendereza Kabaka waffe, muyimbe okumutendereza. Kubanga Katonda ye Kabaka w'ensi zonna.

—Zabbuli 47:1 ne 6, 7a

Leeta eddoboozi ery'essanyu eri Katonda, ensi yonna . . . . Ensi yonna erikusinza, erikuyimbira ggwe; baliyimbira erinnya lyo. (Seera) Kale, amawanga gasanyukenga gayimbenga olw'essanyu: Kubanga olisalira abantu emisango egy'ensonga, era olifugira amawanga mu nsi.

—Zabbuli 66:1, 4; 67:4

Buli ekirina omukka kimutendereze Mukama. Mumutendereze Mukama. —Zabbuli 150:6

Mumutendereze Mukama, mmwe amawanga gonna; mumugulumize, mmwe abantu bonna. Kubanga okusaasira kwe kungi eri ffe: N'amazima ga Mukama gabeerera emirembe gyonna. Mumutendereze Mukama. Kubanga ekigambo kya Mukama kigolokofu; N'omulimu gwe gwonna (agukola) mu bwesigwa.

—Zabbuli 117:1, 2; 33:4

Awo abantu ne basanyuka kubanga baawaayo ku bwabwe, kubanga baawaayo ku bwabwe eri Mukama n'omutima ogutuukiridde: era ne Dawudi kabaka n'asanyuka essanyu ddene. Dawudi kyeyava yeebaliza Mukama mu maaso g'ekibiina kyonna: Dawudi n'ayogera nti Weebazibwe, ai Mukama, Katonda wa Isiraeri jjajjaffe, emirembe n'emirembe. Obukulu bubwo n'amaanyi n'ekitiibwa n'okuwangula n'okugulumizibwa: kubanga byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi (bibyo); obwakabaka bubwo, ai Mukama, era ogulumizibwa okuba omutwe gwa byonna. Obugagga era n'ekitiibwa biva gyoli, era ggwe ofuga bonna; era mu mukono gwo mwe muli obuyinza n'amaanyi; era mu mukono gwo mwe muli okukuza n'okuwa bonna amaanyi. Kale nno, Katonda waffe, tukwebaza ne tutendereza erinnya lyo ery'ekitiibwa.

—1 Ebyomumirembe 29:9-13

. . . Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, Mukama ow'eggye: ensi yonna ejjudde ekitiibwa kye. Ai Mukama, ggwe Katonda wange; naakugulumizanga, naatenderezanga erinnya lyo; kubanga okoze eby'ekitalo, bye wateesa edda, mu bwesigwa n'amazima.

—Isaaya 6:3b; 25:1

Ne ndaba ng'ennyanja y'endabirwamu etabuddwamu omuliro; abava eri ensolo n'ekifaananyi kyayo n'omuwendo gw'erinnya lyayo nga bawangudde, nga bayimiridde ku nnyanja y'endabirwamu, nga balina ennanga za Katonda. Ne bayimba oluyimba lwa Musa omuddu wa Katonda, n'oluyimba lw'Omwana gw'endiga, nga boogera nti Bikulu era bya kitalo ebikolwa byo, Mukama Katonda, Omuyinza w'ebintu byonna; ga butuukirivu era ga mazima amakubo go, ggwe Kabaka ow'emirembe n'emirembe. Ani atalitya, Mukama, n'ataliwa kitiibwa erinnya lyo? kubanga ggwe wekka ggwe mutukuvu; kubanga amawanga gonna galijja era galisinziza mu maaso go; kubanga ebikolwa byo eby'obutuukirivu birabise. —Okubikkulirwa 15:2-4

Nkukuutirira mu maaso ga Katonda, awa byonna obulamu, ne Kristo Yesu . . . weekuumenga ekiragiro awatali bbala, awatali kya kunenyezebwa, okutuusa ku kulabika kwa Mukama waffe Yesu Kristo: kw'aliraga mu ntuuko zaakwo Nannyini buyinza yekka atenderezebwa, Kabaka wa bakabaka, era Mukama w'abaami.

—1 Timoseewo 6:13-15

Era ebiramu bwe birimuwa ekitiibwa n'ettendo n'okwebaza oyo atudde ku ntebe, omulamu emirembe n'emirembe, abakadde amakumi abiri mu bana balivuunama mu maaso g'oyo atudde ku ntebe, era balisinza oyo omulamu emirembe n'emirembe, era balisuula engule zaabwe mu maaso g'entebe, nga boogera nti Osaanidde ggwe, Mukama waffe, Katonda waffe, okuweebwanga ekitiibwa n'ettendo n'obuyinza: kubanga ggwe wabitonda byonna, era byabaawo lwa kusiima kwo, era byatondebwa. —Okubikkulirwa 4:9-11

Oluvannyuma lw'ebyo ne ndaba, era laba, ekibiina kinene omuntu yenna ky'atayinza kubala, mu buli ggwanga n'ebika n'abantu n'ennimi, nga bayimiridde mu maaso g'entebe ne mu maaso g'Omwana gw'endiga, nga bambadde ebyambalo ebyeru, n'amatabi g'enkindu mu mikono gyabwe; ne boogerera waggulu n'eddoboozi ddene, nga boogera nti Obulokozi buba bwa Katonda waffe atudde ku ntebe, n'eri Omwana gw'endiga. Ne bamalayika bonna baali bayimiridde nga beetoolodde entebe n'abakadde n'ebiramu ebina; ne bavuunama amaaso gaabwe mu maaso g'entebe, ne basinza Katonda.

—Okubikkulirwa 7:9-11

Mukama mukulu, era agwana okutenderezebwa ennyo n'obukulu bwe tebunoonyezeka. Emirembe ginaasuutanga emirimu gyo eri emirembe, era ginaatenderanga ebikolwa byo eby'amaanyi. Ku bukulu obw'ekitiibwa obw'ettendo lyo, ne ku mirimu gyo egy'ekitalo, kwe nnaalowoozanga. Era abantu banaayogeranga ku bikolwa byo eby'entiisa nga bya maanyi; nange naategeezanga obukulu bwo. Banaayatulanga obulungi bwo obungi bwe bujjukirwa, era banaayimbanga ku butuukirivu bwo. Mukama wa kisa ajjudde okusaasira; alwawo okusunguwala era wa kusonyiwa kungi. Mukama mulungi eri bonna; n'okusaasira kwe okulungi kubuna emirimu gye gyonna. Emirimu gyo gyonna ginaakwebazanga, ai Mukama; n'abatukuvu bo banaakweyanzanga. Banaayogeranga ku kitiibwa eky'obwakabaka bwo, banaanyumyanga ku buyinza bwo; okumanyisanga abaana b'abantu ebikolwa bye eby'amaanyi, n'ekitiibwa eky'obukulu obw'obwakabaka bwe. Mumutendereze Mukama. Mumutendereze Katonda mu watukuvu we: mumutendereze mu bbanga ery'amaanyi ge mumutendereze olw'ebikolwa bye eby'amaanyi . . . .

—Zabbuli 145:3-12; 150:1, 2a

# MUTENDEREZE OLWANNAMULONDOYE N'AMAANYIGE

Entebe yo, ai Katonda, ya lubeerera emirembe gyonna . . . .
—Zabbuli 45:6a

Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Eggulu ye ntebe yange, n'ensi ye ntebe y'ebigere byange.
—Isaaya 66:1a

Naye nange mbagamba nti Tolayiranga n'akatono, newakubadde eggulu, kubanga ye ntebe ya Katonda. —Matayo 5:34

Mukama yanyweza entebe ye mu ggulu; n'obwakabaka bwe bufuga byonna. Mumwebaze Mukama, mmwe bamalayika be: mmwe abazira ab'amaanyi, abatuukiriza ekigambo kye, nga muwulira eddoboozi ery'ekigambo kye. Mumwebaze Mukama, mmwe mwenna eggye lye; abaweereza be, abakola by'ayagala. Mumwebaze Mukama, mmwe mwenna emirimu gye, mu bifo byonna by'afugiramu: Weebaze Mukama, ggwe emmeeme yange. —Zabbuli 103:19-22

Ne ndaba entebe ey'obwakabaka ennene enjeru, n'oyo eyali agituddeko, eggulu n'ensi ne bidduka mu maaso ge; n'ekifo kyabyo tekyalabika. —Okubikkulirwa 20:11

Yesu n'abatunuulira n'abagamba nti Mu bantu ekyo tekiyinzika; naye Katonda ayinza byonna.
—Matayo 19:26

Ekifaananyi ky'ekitiibwa kya Mukama ne kiba ng'omuliro ogwaka ku ntikko y'olusozi mu maaso g'abaana ba Isiraeri.
—Okura 24:17

Yeebazibwenga Mukama Katonda, Katonda wa Isiraeri, akola eby'amagero yekka: n'erinnya lye ery'ekitiibwa lyebazibwenga emirembe gyonna; era ensi zonna zijjuzibwenga ekitiibwa kye. Amiina, era Amiina. —Zabbuli 72:18, 19

Yingira mu lwazi, weekweke mu nfuufu, mu maaso g'entiisa ya Mukama, ne mu maaso g'ekitiibwa ky'obukulu bwe. Okulalambala kw'abantu kuliwanulibwa, n'amalala g'abantu galikutamizibwa, era Mukama yekka ye aligulumizibwa ku lunaku olwo.
—Isaaya 2:10, 11

N'ekitiibwa kya Mukama kiribikkulibwa, ne bonna abalina omubiri balikirabira wamu: kubanga akamwa ka Mukama ke kakyogedde. —Isaaya 40:5

Enjuba si yeeneebanga nate omusana gwo emisana; so n'omwezi si gwe gunaakwakiranga olw'okumasamasa: naye Mukama ye anaabeeranga gy'oli omusana ogutaliggwaawo, era Katonda wo ye anaabanga ekitiibwa kyo.
—Isaaya 60:19

### *Bonna Mukristo Baberera Emirembe Gyonna*

Kubanga okufa bwe kwabaawo ku bw'omuntu, era n'okuzuukira kw'abafu kwabaawo ku bwa muntu. Kuba bonna nga bwe baafiira mu Adamu, era bwe batyo mu Kristo bonna mwe balifuukira abalamu. Naye buli muntu mu kifo kye ye: Kristo gwe mwaka omubereberye; oluvannyuma aba Kristo mu kujja kwe. Enkomerero n'eryoka etuuka bw'aliwaayo obwakabaka eri Katonda ye Kitaawe; bw'aliba ng'amaze okuggyawo okufuga kwonna n'amaanyi gonna n'obuyinza. Kubanga kimugwanira okufuganga okutuusa lw'alissa abalabe be bonna wansi w'ebigere bye. Omulabe ow'enkomerero aliggibwawo, kwe kufa. —1 Abakkolinso 15:21-26

### *Kunkomerero Kigobera Sitaani Ebweru*

Kaakano ensi eno esalirwa omusango; kaakano omukulu w'ensi eno anaagoberwa ebweru.

—Yokaana 12:31

N'omulyolyomi eyabalimbanga n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro n'ekibiriiti, era omuli ensolo ne nnabi ow'obulimba; era banaabonyaabonyezebwanga emisana n'ekiro emirembe n'emirembe.

—Okubikkulirwa 20:10

Kubanga ggwe, Mukama, oli waggulu nnyo ku nsi zonna: ogulumizibwa okusinga ennyo bakatonda bonna. —Zabbuli 97:9

Balyoke bategeerenga nga ggwe wekka, erinnya lyo YAKUWA, oli waggulu nnyo ng'ofuga ensi yonna. —Zabbuli 83:18

Mukama atta n'alamya: aserengesa mu magombe n'alinnyisa okuvaayo. Mukama ayavuwaza era agaggawaza: assa wansi, era ye agulumiza. Ayimusa abaavu okubaggya mu nfuufu, asitula abeetaaga okubaggya mu lubungo, okubatuuza awamu n'abalangira, basikire entebe ey'ekitiibwa: Kubanga empagi z'ensi za Mukama, era yateeka ebintu byonna okwo. —1 Samwiri 2:6-8

Mukama afuga; ayambadde obukulu: Mukama ayambadde, yeesibye amaanyi: era ensi enywedde n'okuyinza n'eteyinza kusagaasagana. Entebe yo yanywera edda n'edda lyonna: obeererawo okuva emirembe n'emirembe. —Zabbuli 93:1, 2

Kubanga kyawandiikibwa nti nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama, buli vviivi lirinfukaamirira, na buli lulimi lulyatula Katonda. —Abaruumi 14:11

Musirike mumanye nga nze Katonda: naagulumizibwanga mu mawanga, naagulumizibwanga mu nsi. —Zabbuli 46:10

Mukama ali waggulu okusinga amawanga gonna, n'ekitiibwa kye okusinga eggulu. —Zabbuli 113:4

Ogulumizibwenga, ai Mukama, mu maanyi go: tulyoke tuyimbenga tutenderezenga obuyinza bwo. —Zabbuli 21:13

Mumugulumizenga Mukama Katonda waffe, era musinzizenga ku ntebe y'ebigere bye: ye mutukuvu. —Zabbuli 99:5

Kubanga bw'atyo bw'ayogera oyo ali waggulu omugulumivu atuula mu butaliggwaawo, erinnya lye Mutukuvu, nti Ntuula mu kifo ekigulumivu ekitukuvu, era wamu n'oyo alina omwoyo oguboneredde omukkakkamu, okulamya omwoyo gw'abakkakkamu, n'okulamya omutima gw'abo ababoneredde. —Isaaya 57:15

Mukama agulumizibwa kubanga atuula waggulu: ajjuzizza Sayuuni omusango n'obutuukirivu. —Isaaya 33:5

Bakugulumize, ai Katonda, okusinga eggulu; ekitiibwa kyo kibeere ku nsi zonna. —Zabbuli 57:11

# MUTENDEREZE OLW'OBUKULU OBW'OBWANANYINI



Kale, kaakano, bwe munaawuliranga eddoboozi lyange ddala, ne mukwata endagaano yange, bwe mutyo munaabanga ekintu kyange ekiganzi mmwe mu mawanga gonna: kubanga ensi yonna yange. —Okuva 19:5

So ensi tetundibwanga okugiviiramu ddala ennaku zonna; kubanga ensi yange: kubanga muli bagenyi era abayise gye ndi.
—Eby'abaleevi 25:23

. . . kubanga byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi (bibyo); obwakabaka bubwo, ai Mukama, era ogulumizibwa okuba omutwe gwa byonna. . . . Naye nze ani n'abantu bange kye ki, ffe okuyinza okuwaayo bwe tutyo ku bwaffe ddala? kubanga byonna biva gyoli, era tukuwadde ku bibyo.
—1 Ebyomumirembe 29:11b ne 14

Ge yakoza mu Kristo, bwe yamuzuukiza mu bafu, n'amutuuza ku mukono gwe ogwa ddyo mu bifo eby'omu ggulu, waggulu nnyo okusinga okufuga kwonna n'obuyinza n'amaanyi n'obwami na buli linnya eryatulwa si mu mirembe gino gyokka naye ne mu egyo egigenda okujja: n'ateeka byonna wansi w'ebigere bye, n'amuteekawo okuba omutwe ku byonna eri ekkanisa. —Abaefeso 1:20-22

Ggwe Mukama, ggwe wekka; ggwe wakola eggulu, eggulu erya waggulu, n'eggye lyalyo lyonna, ensi n'ebintu byonna ebiri okwo, ennyanja ne byonna ebiri omwo, era ggwe obikuuma byonna; n'eggye ery'omu ggulu likusinza.
—Nekkemiya 9:6

Naakutenderezanga, ai Mukama Katonda wange, n'omutima gwange gwonna; era naagulumizanga erinnya lyo emirembe gyonna. —Zabbuli 86:12

Nze Mukama; eryo lye linnya lyange: n'ekitiibwa kyange sirikiwa mulala, newakubadde ettendo lyange eri ebifaananyi ebyole.
—Isaaya 42:8

Naye gye tuli waliwo Katonda omu, Kitaffe, omuva byonna, naffe tuli ku bw'oyo; ne Mukama waffe omu, Yesu Kristo, abeesaawo byonna, era atubeesaawo ffe.
—1 Abakkolinso 8:6

Kale mazima bamanye ennyumba yonna eya Isiraeri nti Katonda yamufuula Mukama era Kristo, Yesu oyo gwe mwakomerera.
—Ebikolwa By'abatume 2:36

Era buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama waffe, Katonda Kitaffe aweebwe ekitiibwa. —Abafiripi 2:11

Buli ampa ssaddaaka ey'okwebaza angulumiza; naye alongoosa obulungi ekkubo lye ndimulaga obulokozi bwa Katonda. Naatenderezanga erinnya lya Katonda n'oluyimba, naamugulumizanga n'okwebaza. —Zabbuli 50:23; 69:30

Ggwe oli Katonda wange, nange naakwebazanga: ggwe oli Katonda wange, naakugulumizanga.
—Zabbuli 118:28

Mulyoke muwenga ekitiibwa Katonda, Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, n'omwoyo ogumu n'akamwa akamu.
—Abaruumi 15:6

Mumuwe Mukama ekitiibwa erinnya lye kye lisaanira; mumusinze Mukama mu butuukirivu obuwooma. —Zabbuli 29:2

Mmwe abatya Mukama, mumutenderezenga; mmwe mwenna ezzadde lya Yakobo, mumugulumizenga; mumutyenga mmwe mwenna ezzadde lya Isiraeri.
—Zabbuli 22:23

Omuntu yenna bw'ayogeranga, ayogerenga ng'ebiragiro bya Katonda bwe biri; omuntu yenna bw'aweerezanga, aweerezenga ng'amaanyi Katonda g'amuwa bwe gali: mu byonna Katonda agulumizibwenga ku bwa Yesu Kristo, alina ekitiibwa n'obuyinza emirembe n'emirembe. Amiina.
—1 Peetero 4:11

# 18 LANGIRIRA EKITIBWA KYE ERA N'OBUKULUBWE

Mubuulirenga ekitiibwa kye mu mawanga, eby'amagero bye mu bantu bonna. Kubanga Mukama mukulu, era agwana okutenderezebwa ennyo: agwana okutiibwanga okusinga bakatonda bonna.
—Zabbuli 96:3, 4

Bakugulumize, ai Katonda, okusinga eggulu; ekitiibwa kyo kibeere ku nsi zonna. —Zabbuli 57:5

Nti Ai Mukama Katonda, otanudde okulaga omuddu wo obukulu bwo n'omukono gwo ogw'amaanyi: kubanga katonda ki ali mu ggulu oba mu nsi ayinza okukola ng'emirimu gyo bwe giri era ng'ebikolwa byo eby'amaanyi bwe biri? —Ekyamateeka Olw'okubiri 3:24

Yimbira waggulu ekitiibwa eky'erinnya lye: gulumiza ettendo lye libe n'ekitiibwa. —Zabbuli 66:2

Musanyukire Mukama, mmwe abatuukirivu: okutendereza kusaanira abalina omwoyo ogw'amazima. —Zabbuli 33:1

Emmeeme yange eneenyumiririzanga mu Mukama: abawombeefu baliwulira, balisanyuka.
—Zabbuli 34:2

Omutima gwange gunywedde, ai Katonda; Naayimba, weewaawo, naayimba okutendereza, naayimba n'ekitiibwa kyange. . . .Ogulumizibwe, ai Katonda, okusinga eggulu: n'ekitiibwa kyo okusinga ensi zonna. —Zabbuli 108:1 ne 5

# TENDEREZA KATONDA OLW'EBIGENDERERWA BYE 19

Kaakano abaamasaza n'ab'obuyinza mu bifo eby'omu ggulu bategeezebwe mu kkanisa amagezi amangi aga Katonda ag'engeri ennyingi, ng'okumalirira bwe kuli mu Kristo Yesu Mukama waffe.
—Abaefeso 3:10, 11

Mu oyo naffe mwe twafuukira obusika, bwe twayawulibwa edda mu kumalirira kw'oyo akoza byonna nga bw'ayagala mu kuteesa kwe. —Abaefeso 1:11

Kubanga nga tebannazaalibwa, so nga tebannakola kirungi oba kibi, okuteesa kwa Katonda mu kulonda kulyoke kunywere, si lwa bikolwa, wabula ku bw'oyo ayita.
—Abaruumi 9:11

Mukama ow'eggye alayidde, ng'ayogera nti Mazima nga bwe nnalowooza, bwe kirituukirira bwe kityo; era nga bwe nnateesa, bwe kirinywera bwe kityo; ndimenyera Omwasuli mu nsi yange, era ndimulinnyira n'ebigere ku nsozi zange: kale ekikoligo kye kiribavaako, n'omugugu gwe guliva ku kibegabega kyabwe. Okwo kwe kuteesa okwateesebwa ku nsi yonna: era ogwo gwe mukono ogwagololwa ku mawanga gonna.
—Isaaya 14:24-26

Omwana wa Katonda kyeyava alabisibwa amalewo ebikolwa bya Setaani. —I Yokaana 3:8b

# TENDEREZA KATONDA OLW'EMIRIMU GGYE EMIKULU

Bwe ndowooza eggulu lyo, omulimu gw'engalo zo, omwezi n'emmunyeenye, bye walagira; omuntu kye kiki, ggwe okumujjukira, oba omwana w'omuntu, ggwe okumujjira? —Zabbuli 8:3, 4

Eggulu lyogera ekitiibwa kya Katonda: n'ebbanga libuulira emirimu gy'emikono gye.
—Zabbuli 19:1

Ndyoke mpulirizenga eddoboozi ery'okwebaza, njogerenga ku bikolwa byo byonna eby'ekitalo.
—Zabbuli 26:7

Ebikolwa eby'ekitalo bye wakola, ai Mukama Katonda wange, bingi, n'ebirowoozo byo ebiri gye tuli: tebiyinzika kukulongookera kinnakimu; singa mbadde njagala okubibuulira n'okubyogerako, tebibalika obungi. —Zabbuli 40:5

Naakwebazanga; kubanga okukolebwa kwange kwa ntiisa, kwa kitalo: emirimu gyo gya kitalo; n'ekyo emmeeme yange ekimanyidde ddala. —Zabbuli 139:14

Emirimu gya Mukama mikulu, ginoonyezebwa abo bonna abagisanyukira. Omulimu gwe gwa kitiibwa, gwa bukulu: n'obutuukirivu bwe bubeerera emirembe gyonna. —Zabbuli 111:2, 3

Si nga mu kuweereza okw'okungulu, ng'abaagala okusiimibwanga abantu; naye ng'abaddu ba Kristo, nga mukolanga n'omwoyo Katonda by'ayagala.

—Abaefeso 6:6

Omuntu bw'ayagala okukola oli by'ayagala, alitegeera okuyigiriza kuno oba nga kwava eri Katonda . . . . —Yokaana 7:17a

Kubanga buli akola Kitange ali mu ggulu by'ayagala, ye muganda wange, ye mwannyinaze, ye mmange. —Matayo 12:50

### *Olw'amakuboge Amakulu Ennyo*

Obuziba bw'obugagga obw'amagezi n'obw'okumanya kwa Katonda tomanyi bwe buli! emisango gye nga tegikeberekeka, n'amakubo ge nga tegekkaanyizika!

—Abaruumi 11:33

Katonda, ekkubo lye lyatuukirira: ekigambo kya Mukama kyakettebwa. —Zabbuli 18:30a

Kuba eggulu nga bwe lisinga ensi obugulumivu, amakubo gange bwe gasinga bwe gatyo amakubo gammwe. —Isaaya 55:9a

. . . mmutendereza era mmugulumiza era mmuwa ekitiibwa Kabaka w'eggulu: kubanga emirimu gye gyonna mazima, n'amakubo ge ga nsonga. —Danyeri 4:37a

Mumuwe Mukama ekitiibwa ekigwanira erinnya lye: muleete ssaddaaka, mujje mu mpya ze. Kale mumusinze Mukama mu bulungi obw'obutukuvu. Mukankane mu maaso ge, mmwe ensi zonna. Ng'erinnya lyo bwe liri, ai Katonda, ettendo lyo bwe liri bwe lityo okutuusa enkomerero y'ensi . . . . —Zabbuli 96:8, 9; 48:10a

Era ku lunaku luli mulyogera nti Mwebaze Mukama, mukoowoole erinnya lye, mubuulire ebikolwa bye mu mawanga, mwogere erinnya lye ligulumizibwe.
—Isaaya 12:4

Bw'otookwatenga bigambo byonna eby'omu mateeka gano ebiwandiikiddwa mu kitabo kino okubikolanga, olyoke otyenga erinnya lino ery'ekitiibwa era ery'entiisa, Mukama Katonda wo; awo Mukama anaafuulanga ebibonyoobonyo eby'ekitalo, n'ebibonyoobonyo by'ezzadde lyo, ebibonyoobonyo ebinene era ebirwawo ennyo, era endwadde enkambwe era ezirwawo ennyo.
—Ekyamateeka Olw'okubiri 28:58, 59

N'akolanga bw'atyo ennaku nnyingi. Naye Pawulo, bwe yanakuwala ennyo, n'akyuka n'agamba dayimooni nti Nkulagira mu linnya lya Yesu Kristo omuveeko. N'amuvaako mu kiseera ekyo.
—Ebikolwa By'abatume 16:18

Mukama n'akkira mu kire, n'ayimirira eyo wamu naye, n'atendera erinnya lya Mukama.
—Okuva 34:5

Muyimirire mwebaze Mukama Katonda wammwe okuva emirembe gyonna n'okutuusa emirembe gyonna: era erinnya lyo ery'ekitiibwa lyebazibwe erigulumizibwa okusinga okwebaza kwonna n'okutendereza. —Nekkemiya 9:5b

Bitendereze erinnya lya Mukama: kubanga yalagira, ne bitondebwa. . . . Batendereze erinnya lya Mukama; kubanga erinnya lye yekka lye ligulumizibwa: ekitiibwa kye kiri kungulu ku nsi ne ku ggulu. —Zabbuli 148:5 ne 13

Mumutendereze Mukama; kubanga Mukama mulungi: muyimbe okutendereza erinnya lye; kubanga lya ssanyu. —Zabbuli 135:3

Mu Katonda mwe twenyumiririza obudde okuziba, era tuneebazanga erinnya lyo emirembe gyonna. (Seera.) —Zabbuli 44:8

Ssaddaaka ey'omwoyo ogw'eddembe gye ndikuwa ggwe: neebazanga erinnya lyo, ai Mukama, kubanga ddungi. —Zabbuli 54:6

Kale munaalyanga bingi nnyo, ne mu kkuta, ne mutendereza erinnya lya Mukama Katonda wammwe eyabakola eby'ekitalo: n'abantu bange tebalikwatibwa nsonyi ennaku zonna. —Yoweeri 2:26

Neebazanga Mukama olw'obutuukirivu bwe: naayimbanga okutendereza erinnya lya Mukama ali waggulu ennyo. —Zabbuli 7:17

Laba, omuwala atamanyi musajja aliba olubuto, era alizaala omwana wa bulenzi, balimutuuma erinnya lye Emmanweri; eritegeezebwa nti Katonda ali naffe. —Matayo 1:23

Ai Mukama, Mukama, waffe, erinnya lyo nga ddungi nnyo mu nsi zonna! —Zabbuli 8:9

Era Katonda kyeyava amugulumiza ennyo n'amuwa erinnya liri erisinga amannya gonna; buli vvivi lifukaamirirenga erinnya lya Yesu, ery'eby'omu ggulu n'eby'oku nsi n'ebya wansi w'ensi. —Abafiripi 2:9, 10

Mumukuze Mukama wamu nange, tugulumize erinnya lye fenna. —Zabbuli 34:3

Batendereze erinnya lyo ekkulu era ery'entiisa. Ye mutukuvu. —Zabbuli 99:3

Erinnya lya Mukama lyebazibwenga okuva leero okutuusa emirembe gyonna. Okuva mu buvanjuba okutuuka mu bugwanjuba erinnya lya Mukama ligwana okutenderezebwanga. —Zabbuli 113:2, 3

## *Olw'amaanyi G'obufuzi Bwe Obutali Ggwawo*

**Alufa Ne Omega Nanyini Buyinza** —*Okubikkulirwa 1:8*

**Wamukisa Era Yasobozesa Yekka** —*1 Timoseewo 6:15*

**Kristo Ye Mukama**—*Lukka 2:11*

**Kristo G'emaanyi Ga Katonda Era G'emagezi Ga Katonda** —*1 Abakkolinso 1:24*

**Imanueri (Katonda Ali Wamu Naffe)** —*Matayo 1:23*

**Katonda**—*Yokaana 1:1*

**Katonda Wensi Yonna**—*Isaaya 54:5*

**Omufuzi**—*Matayo 2:6*

**Omufuzi Asemba Yo Mu Bufuzi Bwonna N'amaanyi Gonna**—*Abakkolosaayi 2:10*

**Ndi**—*Yokaana 8:58*

**Omusazi W'omusango Gw'abalamu N'abafu**—*Ebikolwa By'Abatume 10:42*

**Kabaka Ow'ekitibwa**—*Zabbuli 24:7, 10*

**Kabaka Wa Bakabaka, Era Mukama Wa Bakama**—*Okubikkulirwa 19:16*

**Mukama Okuva Muggulu** —*1 Abakkolinso 15:47*

**Mukama W'eggye** —*Isaaya 54:5; Zabbuli 24:10*

**Mukama Katonda Omuyiinza Wabyonna** —*Okubikkulirwa 15:3*

**Mutukuvu Nnyo**—*Danyeri 9:24*

**Mwana Wa Katonda**—*Yokaana 9:35-37*

**Wa Kitalo, Ateesa Ebigambo, Katonda Ow'amaanyi Kitaffe Ataggwaawo, Omukulu Ow'emirembe**—*Isaaya 9:6*

## 26 AGAMU KU MANNYA GA KRISTO N'EBITIBWA BYE

### *Y'ani Eri Ensi*

**Mulabirizi Wamyoyo**—*1 Peetero 2:25*

**Ayagala Amawanga Gonna**—*Kaggayi 2:7*

**Mukwano W'abonoonyi**—*Matayo 11:19*

**Omujulizi Ow'amazima**
—*Okubikkulirwa 1:5*

**Kabaka W'ensi Yonna**—*Zekkaliya 14:9*

**Mukama Wa Bonna**
—*Ebikolwa By'Abatume 10:36*

**Omulangira Wa Bakaba B'ensi**
—*Okubikkulirwa 1:5*

**Omutango Gwa Bonna**
—*1 Timoseewo 2:6*

**Omulamuzi Ow'amazima**
—*2 Timoseewo 4:8*

**Omulokozi W'ensi**—*Yokaana 4:42*

**Omwana W'omuntu**—*Matayo 8:20*

**Ejjinja Elyaaganwa**—*Matayo 21:42*

### *Ng'omulokozi*

**Omutandisi W'obulokozi Obutaggwaawo**
—*Abaebbulaniya 5:9*

**Ekirabo Kya Katonda**—*Yokaana 4:10*

**Yesu Kristo Mulokozi Waffe**—*Tito 3:6*

**Mukama Ow'ekitibwa**
—*1 Abakkolinso 2:8*

**Masiya**—*Yokaana 1:41*

**Omulangira Masiya**—*Danyeri 9:25*

**Saddaka N'ekiwebwayo**—*Abaefeso 5:2*

**Omununuzi**—*Isaaya 59:20*

**Okuzukiira N'obulamu**—*Yokaana 11:25*

**Omulokozi, Yesu Kristo**
—*2 Timoseewo 1:10*

**Omusana Gw'obutukirivu**—*Malaki 4:2*

# AGAMU KU MANNYA GA KRISTO N'EBITIBWA BYE



### *Y'ani Eri Abakiiza*

**Omutandisi Era Omumaliriza W'okukiirza**—*Abaebbulaniya 12:2*

**Muwolereza**—*1 Yokaana 2:1*

**Mugaati Gwa Bulamu**—*Yokaana 6:48*

**Ttabi Lya Butukirivu**—*Yeremiya 33:15*

**Mugole**—*Matayo 9:15*

**Jjinja Lyakunsonda**—*Abaefeso 2:20*

**Omusumba Omukulu**—*1 Peetero 5:4*

**Mulyango Gwa Ndiga** —*Yokaana 10:7, 9*

**Bulamu Butaggwaawo** —*1 Yokaana 5:20*

**Katonda No Mulokozi, Yesu Kristo** —*2 Peetero 1:1*

**Kabona Omukulu**—*Abaebbulaniya 3:1*

**Esuubi Lya Kitibwa** —*Abakkolosaayi 1:27*

**Kabaka W'abatuukuvu** —*Okubikkulirwa 15:3*

**Musana Gwa Nsi**—*Yokaana 8:12*

**Mukama W'obutukirivu** —*Yeremiya 23:6*

**Omutabaganya**—*1 Timoseewo 2:5*

**Omulangira Era Omulokozi** —*Ebikolwa By'Abatume 5:31*

**Omulangira W'emirembe**—*Isaaya 9:6*

**Naabi**—*Lukka 24:19*

**Omwooyo Akubiriza** —*1 Abakkolinso 15:45*

**Omununuzi**—*Zabbuli 19:14*

**Omusana Ogw'amazima**—*Yokaana 1:9*

# MUTENDEREZE MUKAMA OLW'EKIGAMBO KYA KATONDA

### *Okubiriza Kwa Katonda*

Buli ekyawandiikibwa kirina okuluŋŋamya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu. —2 Timoseewo 3:16

### *Yawa Obulamu Obutagwawo Eri Abakiriza*

Akkiriza Omwana alina obulamu obutaggwaawo; naye atakkiriza Mwana, taliraba bulamu, naye obusungu bwa Katonda bubeera ku ye. —Yokaana 3:36

Ebyo mbiwandiikidde mmwe, mumanye nga mulina obulamu obutaggwaawo, mmwe abakkiriza erinnya ly'Omwana wa Katonda. —1 Yokaana 5:13

Naye buno bwawandiikibwa, mulyoke mukkirize nti Yesu ye Kristo, Omwana wa Katonda; era bwe mukkiriza mube n'obulamu mu linnya lye. —Yokaana 20:31

### *Waamaanyi Nnyo*

Ekigambo kyange tekifaanana muliro? bw'ayogera Mukama; era tekifaanana nnyondo eyasaayasa olwazi? —Yeremiya 23:29

Kubanga enjiri tenkwasa nsonyi: kubanga ge maanyi ga Katonda olw'okulokoka eri buli akkiriza. —Abaruumi 1:16a

# MUTENDEREZE MUKAMA OLW'EKIGAMBO KYA KATONDA

### *Mutukuvu Nnyo*

Buli kigambo kya Katonda kikemebwa. —Engero 30:5a

### *Obwesigwa Obujjuvu Ddala*

Etteeka lya Mukama lyatuukirira, erikomyawo emmeeme: okutegeeza kwa Mukama kunywevu, okuwa abasirusiru amagezi.
—Zabbuli 19:7

Kubanga mbagamba mazima nti Eggulu n'ensi okutuusa lwe biriggwaawo, ennukuta emu newakubadde akatonnyeze akamu ak'omu Mateeka tekaliggwaawo, okutuusa byonna lwe birimala okutuukirira. —Matayo 5:18

### *Omutindo Gw'amazima Gaffe*

Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeerako gye tuli (ne tulaba ekitiibwa kye, ekitiibwa ng'ekyoyo eyazaalibwa omu yekka Kitaffe), ng'ajjudde ekisa n'amazima.
—Yokaana 1:14

Yesu n'amugamba nti Nze kkubo, n'amazima n'obulamu: tewali ajja eri Kitange, wabula ng'ayita mu nze. —Yokaana 14:6

Omuddo guwotoka, ekimuli kiyongobera: naye ekigambo kya Katonda waffe kinaanyweranga ennaku zonna. —Isaaya 40:8

Ekigambo kyo ye ttabaaza eri ebigere byange, n'omusana eri ekkubo lyange. —Zabbuli 119:105

# MUTENDEREZE MUKAMA OLW'EKIGAMBO KYA KATONDA

### *Kijjude Ebigendererwa*

Kubanga byonna ebyawandiikibwa edda, byawandiikibwa kutuyigiriza ffe, tulyoke tubeerenga n'okusuubira olw'okugumiikiriza n'olw'okusanyusa kw'ebyawandiikibwa. —Abaruumi 15:4

### *Okwagala Kw'abantu Ba Katonda*

Ekigambo kyo kirongoofu nnyo; omuddu wo kyava akyagala.
—Zabbuli 119:140

### *Ye Mmere Yaffe*

. . . akutegeeze ng'omuntu taba mulamu na mmere yokka, naye olwa buli ekiva mu kamwa ka Mukama omuntu kyava aba omulamu.—Ekyamateeka Olw'okubiri 8:3b

Ng'abaana abawere abaakajja bazaalibwe, mwegombenga amata ag'omwoyo agataliimu bulimba, galyoke gabakuze okutuuka ku bulokovu. —1 Peetero 2:2

### *Kyakulwanyisa*

Kubanga ekigambo kya Katonda kiramu, era kikozi, era kisala okusinga buli kitala kyonna eky'obwogi obubiri, era kiyitamu n'okwawula ne kyawula obulamu n'omoyo, ennyingo n'obusomyo, era kyangu okwawula okulowooza n'okufumiitiriza okw'omu mutima. —Abaebbulaniya 4:12

**Kubanga kino gwe musaayi gwange ogw'endagaano, oguyiika ku lw'abangi olw'okuggyawo ebibi.**
—Matayo 26:28

**. . . bwe baamala okulya, ng'ayogera nti Ekikompe kino ye ndagaano empya mu musaayi gwange: mukolenga bwe mutyo buli lwe munaanywangako, olw'okunjijukiranga nze.**
—1 Abakkolinso 11:25

**Alya omubiri gwange, era anywa omusaayi gwange, alina obulamu obutaggwaawo.**
—Yokaana 6:54a

**Mulowooza mutya, okubonerezebwa oyo kw'alisaanyizibwa kulyenkana wa okusinga okuba okubi eyalinnyiririra ddala Omwana wa Katonda, n'alowooza omusaayi gw'endagaano ogwamutukuza obutaba mutukuvu, n'agirira ekyejo Omwoyo ow'ekisa?**
—Abaebbulaniya 10:29

**Naye Katonda ow'emirembe, eyakomyawo okuva mu bafu omusumba w'endiga omukulu olw'omusaayi ogw'endagaano ey'olubeerara, ye Mukama waffe Yesu.**
—Abaebbulaniya 13:20

**Nabo baamuwangula olw'omusaayi gw'Omwana gw'endiga, n'olw'ekigambo eky'okutegeeza kwabwe; ne batayagala bulamu bwabwe okutuusa okufa.**
—Okubikkulirwa 12:11

### *Katonda Wange Oyo Omulungi Yafa Kulwange*

Ku kino kwe tutegeerera okwagala, kubanga oyo yawaayo obulamu bwe ku lwaffe. —1 Yokaana 3:16a

### *Ye Muyiinza Wa Byonna Eyazuukiira*

Yesu n'amugamba nti Nze kuzuukira, n'obulamu: akkiriza nze, newakubadde ng'afudde, aliba mulamu: na buli muntu mulamu akkiriza nze talifa emirembe n'emirembe. Okkiriza ekyo?
—Yokaana 11:25, 26

### *Yeyamaliriza Obununuzi Bwange*

Mwekuumenga mmwe mwekka n'ekisibo kyonna Omwoyo Omutukuvu mwe yabateeka mmwe okuba abalabirizi, okulundanga ekkanisa ya Katonda gye yeegulira n'omusaayi gwe yennyini.
—Ebikolwa By'Abatume 20:28

Bwe mwazaalibwa omulundi ogw'okubiri, si na nsigo eggwaawo, wabula eteggwaawo, n'ekigambo kya Katonda ekiramu eky'olubeerera. —1 Peetero 1:23

Kale kaakano tebaliiko musango abali mu Kristo Yesu.
—Abaruumi 8:1

Katonda teyalonda abalina obwavu bw'omu nsi okubeeranga n'obugagga obw'okukkiriza, n'okusikira obwakabaka bwe yasubiza abamwagala? —Yakobo 2:5b

### *Olw'obulokozi Okuva Mu Kibi*

Era mumanyi ng'oyo yalabisibwa era aggyewo ebibi; ne mu ye temuli kibi. —1 Yokaana 3:5

### *Olw'obulozi Okuva Mukuzikirira*

N'omukka ogw'okubonyaabonyezebwa kwabwe gunyooka emirembe n'emirembe; so tebalina kuwummula emisana n'ekiro abasinza ensolo n'ekifaananyi kyayo, na buli akkiriza enkovu y'erinnya lyayo. —Okubikkulirwa 14:11

### *Olw'obulokozi Obukulu Obwenkanidde Awo*

Era tumanyi nga Omwana wa Katonda yajja n'atuwa amagezi n'okutegeera tutegeera ow'amazima, era tuli mu oyo ow'amazima, mu Mwana we Yesu Kristo. Oyo ye Katonda ow'amazima, n'obulamu obutaggwaawo.

—1 Yokaana 5:20

### *Olw'obulokozi, Kikakafu Ate Kyalubeerera*

Endiga zange ziwulira eddoboozi lyange, nange nzitegeera, era zingoberera; nange nziwa obulamu obutaggwaawo; so teziribula emirembe n'emirembe, so tewali alizisikula mu mukono gwange.

—Yokaana 10:27, 28

Buno bwe balamu obutaggwaawo, okutegeera ggwe Katonda omu ow'amazima, n'oyo gwe watuma, Yesu Kristo. —Yokaana 17:3

### *Olw'okuyitibwa Eri Okwenenya*

Awo Yesu bwe yawulira n'abagamba nti Abalamu tebeetaaga musawo, wabula abalwadde: sajja kuyita batuukirivu wabula abalina ebibi. —Makko 2:17

### *Olw'obulokozi Ng'okkiriza Yesu*

Ne bagamba nti Kkiriza Mukama waffe Yesu, onoolokoka ggwe n'ennyumba yo.
—Ebikolwa By'Abatume 16:31

### *Olw'ekuggyawo Okuwuunya Kw'okufa*

Ggwe okufa, okuwangula kwo kuli luuyi wa? Ggwe okufa, okuluma kwo kuli luuyi wa? Okuluma kw'okufa kye kibi; n'amaanyi g'ekibi ge mateeka: naye Katonda yeebazibwe, atuwanguza ffe ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo.
—1 Abakkolinso 15:55-57

### *Olw'ekkubo Lyokka Ery'obulokozi*

Yesu . . . nti Ddala ddala nkugamba nti Omuntu bw'atazaalibwa mulundi gwa kubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda.
—Yokaana 3:3

Mukama ge maanyi gange, era lwe luyimba lwange, anfuukidde obulokozi bwange: ono ye Katonda wange, nange ndimutendereza; ye Katonda wa kitange, nange ndimugulumiza. —Okuva 15:2

### *Olw'okussa Ekimu Ne Kristo*

**Kye twalaba ne tuwulira, kye tubabuulira nammwe, nammwe mulyoke musse ekimu naffe; era naye okussa ekimu kwaffe kuli ne Kitaffe era n'Omwana we Yesu Kristo. —1 Yokaana 1:3**

**Laba, nnyimiridde ku luggi, nneeyanjula: omuntu yenna bw'awulira eddoboozi lyange, n'aggulawo oluggi, nnaayingira gy'ali, era nnaaliira wamu naye, naye nange. —Okubikkulirwa 3:20**

**Mukama aba kumpi abo bonna abamukaabira, bonna abamukaabira n'amazima. —Zabbuli 145:18**

**Kubanga we baba ababiri oba basatu nga bakuŋŋaanye mu linnya lyange, nange ndi awo wakati waabwe. —Matayo 18:20**

**Katonda mwesigwa, eyabayisa okuyingira mu kusseekimu kw'Omwana we Yesu Kristo Mukama waffe. —1 Abakkolinso 1:9**

**Ku lunaku olwo mulitegeera mmwe nga nze ndi mu Kitange, nammwe mu nze, nange mu mmwe. —Yokaana 14:20**

**Era akwata ebiragiro bye abeera mu ye, naye mu ye. Era ku kino kwe tutegeerera ng'abeera mu ffe, olw'Omwoyo gwe yatuwa. —1 Yokaana 3:24**

### *Mumutendereze Obutasalako Olw'obutuukirivubwe N'obulokozi*

Naye naasuubiranga ennaku zonna, era naayongeranga okukutenderezanga bulijjo. Akamwa kange kanaatenderanga obutuukirivu bwo, n'obulokozi bwo okuzibya obudde . . . . Era n'obutuukirivu bwo, ai Katonda, bugulumivu nnyo: ggwe eyakola ebikulu, Ai Katonda, afaanana nga ggwe ani? —Zabbuli 71:14, 15a ne 19

### *Obununuzi N'okuyayana*

Kale, mmwe amawanga, mumwebazenga Katonda waffe, muwulize eddoboozi erimutendereza. —Zabbuli 66:8

Eyeewaayo ku lwaffe, alyoke atununule mu bujeemu bwonna, era yeerongooseze eggwanga ery'envuma, erinyiikirira ebikolwa ebirungi. —Tito 2:14

Ebyo mbibabuulidde, mube n'emirembe mu nze. Mu nsi mulina ennaku: naye mugume; nze mpangudde ensi. —Yokaana 16:33

### *Obuvumu Olw'omusaayi Gwa Yesu*

Kale ab'oluganda, bwe tulina obugumu okuyingira mu kifo ekitukuvu olw'omusaayi gwa Yesu, mu kkubo lye yatukubira, eriggya eddamu, eriyita mu ggigi, gwe mubiri gwe. —Abaebbulaniya 10:19, 20

Mponya, ai Mukama, kale lwe nnaawona; ndokola, kale lwe nnaalokoka: kubanga ggwe oli ttendo lyange. —Yeremiya 17:14

### *Ye Ly'essuubi Lyange*

Nga tulindirira essuubi ery'omukisa n'okulabika kw'ekitiibwa kya Katonda omukulu era Omulokozi waffe Yesu Kristo. —Tito 2:13

### *Ye Bwe Bulamu Bwaffe Obw'emirembe Gyonna*

Nga bwe wamuwa obuyinza ku balina omubiri bonna, era bonna be wamuwa, abawe obulamu obutaggwaawo. —Yokaana 17:2

### *Ebibala Eby'obutuukirivu Ku Lulwe*

Nga mujjudde ebibala eby'obutuukirivu, ebiriwo ku bwa Yesu Kristo, Katonda aweebwe ekitiibwa, atenderezebwe. —Abafiripi 1:11

### *Abaana Abawaayo Etendo Eritukiridde*

Naye bakabona abakulu n'abawandiisi bwe baalaba eby'amagero bye yakola, n'abaana abaayogerera waggulu mu yeekaalu nga bagamba nti Ozaana eri omwana wa Dawudi; ne banyiiga ne bamugamba nti Owulira bano bwe bagamba? Yesu n'abagamba nti Mpulira: temusomangako nti Mu kamwa k'abaana abato n'abawere otuukirizza ettendo? —Matayo 21:15-16

# MUTENDEREZE MUKUGEZESEBWA KWO KUKUKIRIZA

Amaanyi ga Katonda be gakuuma olw'okukkiriza okufuna obulokozi obweteeseteese okubikkulibwa mu biro eby'enkomerero. Obwo bwe mujagulizaamu, newakubadde nga mwanakuwazibwa mu kukemebwa okutali kumu akaseera akatono kaakano, oba nga kibagwanira. —1 Peetero 1:5, 6

Awo ne bava mu maaso g'olukiiko nga basanyuka kubanga basaanyizibbwa okukwatibwa ensonyi olw'Erinnya.
—Ebikolwa By'Abatume 5:41

Ng'abanakuwala, naye abasanyuka bulijjo; ng'abaavu, naye abagaggawaza abangi; ng'abatalina kintu, era naye abalina ddala byonna. —2 Abakkolinso 6:10

Naye bwe tuli abaana, era tuli basika: abasika ba Katonda, era abasikira awamu ne Kristo; bwe tubonaabonera awamu, era tulyoke tuweerwe wamu ekitiibwa.
—Abaruumi 8:17

Mutwale ekyokulabirako, ab'oluganda, eky'okubonyaabonyezebwa n'okugumiikiriza, bannabbi abaayogeranga mu linnya lya Mukama. Laba, tubayita ba mukisa abaagumiikirizanga.
—Yakobo 5:10, 11a

. . . naye mujjulenga Omwoyo . . . . Nga mwebazanga ennaku zonna olwa byonna Katonda Kitaffe mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo. —Abaefeso 5:18b ne 20

Era buli kye munaakolanga, mu kigambo oba mu kikolwa, mukolerenga byonna mu linnya lya Mukama waffe Yesu, nga mwebaza Katonda Kitaffe ku bubwe.
—Abakkolosaayi 3:17

Owenga Katonda ssaddaaka ey'okwebaza; osasulenga obweyamo bwo ali waggulu ennyo: Era onkoowoolenga ku lunaku ollw'okulaba ennaku; ndikuwonya, naawe olingulumiza nze.
—Zabbuli 50:14, 15

Temweraliikiriranga kigambo kyonna kyonna; naye mu kigambo kyonna mu kusabanga n'okwegayiriranga awamu n'okwebazanga bye mwagala bitegeezebwenga eri Katonda. —Abafiripi 4:6

### *Kwagala Kwa Katonda*

Mwebazenga mu kigambo kyonna kyonna: kubanga ekyo Katonda ky'abaagaliza mu Kristo Yesu gye muli.
—1 Abasessaloniika 5:18

### *Ekkubo Elw'okusisinkana Katonda*

Muyingire mu miryango gye n'okwebaza, ne mu mpya ze n'okutendereza. Mumwebaze, mukuze erinnya lye. —Zabbuli 100:4

### *Olw'eddembe Lye, Ekisa Kye Neekitibwa Eby'amaanyi Byaluberera*

Naye baweebwa obutuukirivu bwa buwa lwa kisa kye olw'okununulibwa okuli mu Kristo Yesu.
—Abaruumi 3:24

Eyatuweesa okununulibwa kwaffe olw'omusaayi gwe, okusonyiyibwa ebyonoono byaffe, ng'obugagga obw'ekisa kye bwe buli.
—Abaefeso 1:7

Ng'ekibi bwe kyafugira mu kufa, era n'ekisa bwe kityo kiryoke kifuge olw'obutuukirivu okuweesa obulamu obutaggwaawo, ku bwa Yesu Kristo Mukama waffe.
—Abaruumi 5:21

Nga tumaze okuweebwa obutuukirivu olw'ekisa kye oyo, tulyoke tufuuke abasika mu kusuubira obulamu obutaggwaawo.
—Tito 3:7

### *Olw'okuteebwa Okuva Ku Setaani*

Bakyuke okuva mu kizikiza badde eri omusana n'okuva mu buyinza bwa Setaani badde eri Katonda, balyoke baweebwe okuggibwako ebibi n'obusika mu abo abatukuzibwa olw'okukkiriza nze.
—Ebikolwa By'Abatume 26:18

Kale mujeemulukukirenga Katonda; naye mulwanenga ne Setaani, naye anaabaddukanga.
—Yakobo 4:7

### *Tuli Mikwano Gya Katonda Omukulu*

Mmwe muli mikwano gyange, bwe mukola bye mbalagira.

—Yokaana 15:14

### *Tuli Baana Ba Katonda*

Kubanga bonna abakulemberwa Omwoyo gwa Katonda, abo be baana ba Katonda.

—Abaruumi 8:14

### *Tuli Bawereza Ba Katonda*

Yakobo, omuddu wa Katonda ne Mukama waffe Yesu Kristo ....

—Yakobo 1:1a

Kyetuva tubeera ababaka mu kifo kya Kristo, Katonda ng'afaanana ng'abeegayirira mu ffe.

—2 Abakkolinso 5:20a

N'atufuula obwakabaka, bakabona eri Katonda Kitaawe; ekitiibwa n'obuyinza bibeerenga eri oyo emirembe n'emirembe. Amina.

—Okubikkulirwa 1:6

### *Bitundu Bya Mubiri Gwa Kristo*

Kubanga tuli bitundu bya mubiri gwe.

—Abaefeso 5:30

### *Okuba Abakyala B'omwana Gw'endiga Gwa Katonda*

. . . kubanga obugole bw'Omwana gw'endiga butuuse, ne mukazi we yeeteeseteese. . . . Baweereddwa omukisa abayitibwa ku mbaga ey'obugole bw'Omwana gw'endiga. N'aŋŋamba nti Ebyo bye bigambo eby'amazima ebya Katonda.

—Okubikkulirwa 19:7b ne 9b

# TENDEREZA NGA OGYEEKO OKUSINZA OKWAWAMU

**Kale singa abantu batendereza Mukama olw'obulungi bwe, n'olw'eby'amagero bye eri abaana b'abantu! Era bamugulumizenga mu kkuŋŋaaniro ery'abantu . . . .**

**—Zabbuli 107:31, 32a**

**Muyimuse engalo zammwe eri awatukuvu, mumwebaze Mukama.**

**—Zabbuli 134:2**

**Kubanga ani mu ggulu gwe bayinza okugeraageranya ne Mukama? Ani ku baana b'abakulu ali nga Mukama, ye Katonda atiibwa ennyo mu lukiiko olw'abatukuvu, agwana okutiibwa okusinga bonna abamwetooloola?**

**—Zabbuli 89:6, 7**

**Mumutendereze Mukama. Mumuyimbire Mukama oluyimba oluggya, n'ettendo lye mu kkuŋŋaaniro ery'abatukuvu.**

**—Zabbuli 149:1**

**Neebazanga nnyo Mukama n'akamwa kange; weewaawo, naamutenderezanga mu kibiina.**

**—Zabbuli 109:30**

**Mumutendereze Mukama. Mutendereze erinnya lya Mukama; mumutendereze, mmwe abaddu ba Mukama: Mmwe abayimirira mu nnyumba ya Mukama, mu mpya z'ennyumba ya Katonda waffe.**

**—Zabbuli 135:1, 2**

Era n'oluyimba oluggya alussizza mu kamwa kange, kwe kutendereza Katonda waffe: bangi abanaalabanga, ne batya, ne beesiga Mukama. —Zabbuli 40:3

Naayimbiranga Mukama, kubanga ankoledde obulungi obungi. —Zabbuli 13:6

Muyimbe okutendereza Mukama, atuula mu Sayuuni: mubuulire ebikolwa bye mu bantu. —Zabbuli 9:11

Muleetere Mukama eddoboozi ery'essanyu, mmwe ensi zonna. Mumuweereze Mukama n'essanyu: mujje mu maaso ge n'okuyimba. —Zabbuli 100:1, 2

Naatenderezanga erinnya lya Katonda n'oluyimba, naamugulumizanga n'okwebaza. —Zabbuli 69:30

Kyennaavanga nkwebaza ggwe, ai Mukama, mu mawanga, naayimbanga okutendereza erinnya lyo. —Zabbuli 18:49

Naye ekiro mu ttumbi Pawulo ne Siira ne basaba ne bayimbira Katonda, abasibe ne babawulira; amangu ago ne wabaawo ekikankano kinene n'emisingi gy'ekkomera ne gikankana: amangu ago enzigi zonna ne zigguka; n'ebyali bibasibye bonna ne bisumulukuka. —Ebikolwa By'Abatume 16:25, 26

# MUKULU NNYO ASANIDDE OKUTENDEREZEBWA

**Mukama mukulu, agwanira okutenderezebwa ennyo, mu kibuga kya Katonda waffe, ku lusozi lwe olutukuvu. —Zabbuli 48:1**

**Sanyuka nnyo, ggwe omuwala wa Sayuuni: yogerera waggulu, ggwe omuwala wa Yerusaalemi; laba, kabaka wo ajja gy'oli; ye mutuukirivu era alina obulokozi. —Zekkaliya 9:9a**

**Abantu bakutenderezenga, ai Katonda; abantu bonna bakutenderezenga. —Zabbuli 67:3**

**Amawanga gonna ge wakola galijja, galisinza mu maaso go, ai Mukama; era galigulumiza erinnya lyo. Kubanga ggwe mukulu, era okola eby'ekitalo: ggwe Katonda wekka. —Zabbuli 86:9, 10**

**Kubanga Mukama mukulu, era agwana okutenderezebwa ennyo: era agwana okutiibwa okusinga bakatonda bonna. Kubanga bakatonda bonna ab'amawanga bye bifaananyi: naye Mukama ye yakola eggulu. Ekitiibwa n'obukulu biri mu maaso ge: amaanyi n'essanyu biri mu kifo kye. —1 Ebyomumirembe 16:25-27**

**Naye bonna abeesiga ggwe basanyukenga, bayoogaanenga mu ssanyu bulijjo, kubanga ggwe obakuuma: era abaagala erinnya lyo basanyukirenga mu ggwe. —Zabbuli 5:11**

# NYINZA OKWESIGA KATONDA WANGE OBUTAKOMA



Katonda ataggwaawo kye kifo ky'otuulamu, era emikono egitaggwaawo gikuwanirira.

—Ekyamateeka Olw'okubiri 33:27a

Katonda kye kiddukiro n'amaanyi gaffe, omubeezi ddala atabula mu kulaba ennaku. Kyetunaavanga tulema okutya, ensi ne bw'eneekyukanga, n'ensozi ne bwe zinaasigukanga mu buziba obw'ennyanja; amazzi gaayo ne bwe ganaayiranga ne bwe ganeekuluumululanga, . . . Waliwo omugga, emyala gyagwo gisanyusa ekibuga kya Katonda, ekifo ekitukuvu eky'eweema z'oyo ali waggulu ennyo. Katonda ali wakati waakyo; tekiisagaasaganenga: Katonda anaakibeeranga, anaakibeeranga enkya mu matulutulu. Amawanga gaayoogaana, obwakabaka ne bwetabula: yaleeta eddoboozi lye, ensi n'esaanuuka.

—Zabbuli 46:1-6

. . . olimutuuma erinnya Yesu. Oyo aliba mukulu, aliyitibwa Mwana w'Oyo Ali waggulu ennyo. Era Mukama Katonda alimuwa entebe ya Dawudi jjajjaawe: era anaafuganga ennyumba ya Yakobo emirembe n'emirembe, so obwakabaka bwe tebuliggwaawo.

—Lukka 1:31b-33

# TWALONDEBWA KUTENDEREZA KRISTO EMIREMBE GYONNA

Katonda omu yekka Omulokozi waffe, ku bwa Yesu Kristo Mukama waffe, aweebwenga ekitiibwa, obukulu, amaanyi n'obuyinza, edda n'edda ng'emirembe n'emirembe teginnabaawo, kaakano era n'emirembe egitaliggwaawo. Amiina. —Yuda 25

Ffe tulyoke tubeere ettendo ly'ekitiibwa kye, ffe abaasooka okusuubira mu Kristo: era nammwe mu ye, bwe mwawulira ekigambo eky'amazima, enjiri ey'obulokozi bwammwe, mu oyo, n'okukkiriza bwe mwakkiriza, ne muteekebwako akabonero n'Omwoyo Omutukuvu eyasuubizibwa, gwe musingo gw'obusika bwaffe, okutuusa envuma ya Katonda lw'erinunulibwa, ekitiibwa kye kitenderezebwe. —Abaefeso 1:12-14

Era kino kye nsaba okwagala kwammwe kweyongereyongerenga kusukkirirenga mu kutegeera n'okwawula kwonna: mulyoke musiimenga ebisinga obulungi; mubeerenga abatalina bukuusa era abatalina kabi okutuusa ku lunaku lwa Kristo; nga mujjudde ebibala eby'obutuukirivu, ebiriwo ku bwa Yesu Kristo, Katonda aweebwe ekitiibwa, atenderezebwe. —Abafiripi 1:9-11

Neebazanga Mukama mu biro byonna: ettendo lye liri mu kamwa kange bulijjo. —Zabbuli 34:1

Naffe abantu bo era endiga ez'ettale lyo tunaakwebazanga ennaku zonna: tunaayolesanga ettendo lyo okutuusa emirembe gyonna. —Zabbuli 79:13

. . . so tebiriiko kuwummula emisana n'ekiro nga byogera nti Omutukuvu, Omutukuvu, Omutukuvu, Mukama Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, eyabaawo era abaawo era ajja okubaawo. Era ebiramu bwe birimuwa ekitiibwa n'ettendo n'okwebaza oyo atudde ku ntebe, omulamu emirembe n'emirembe, abakadde amakumi abiri mu bana balivuunama mu maaso g'oyo atudde ku ntebe, era balisinza oyo omulamu emirembe n'emirembe, era balisuula engule zaabwe mu maaso g'entebe, nga boogera nti Osaanidde ggwe, Mukama waffe, Katonda waffe, okuweebwanga ekitiibwa n'ettendo n'obuyinza: kubanga ggwe wabitonda byonna, era byabaawo lwa kusiima kwo, era byatondebwa. —Okubikkulirwa 4:8b-11

Nga nkyali mulamu, naatenderezanga Mukama: Naayimbanga okutendereza Katonda wange nga nkyaliwo. —Zabbuli 146:2

Ne bayimba oluyimba oluggya, nga boogera nti Osaanidde okutoola ekitabo n'okubembula obubonero bwakyo: kubanga wattibwa n'ogulira Katonda olw'omusaayi gwo mu buli kika n'olulimi n'abantu n'eggwanga, n'obafuula eri Katonda waffe obwakabaka era bakabona; era bafuga ku nsi. Ne ndaba ne mpulira eddoboozi lya bamalayika abangi abeetoolodde entebe n'ebiramu n'abakadde; n'omuwendo gwabwe gwali obukumi emirundi obukumi, mu enkumi emirundi enkumi; nga boogera n'eddoboozi ddene nti Asaanidde Omwana gw'endiga eyattibwa okuweebwa obuyinza n'obugagga n'amagezi n'amaanyi n'ettendo n'ekitiibwa n'omukisa. Na buli kitonde ekiri mu ggulu, ne ku nsi, ne wansi w'ensi, ne ku nnyanja, n'ebirimu byonna ne mbiwulira byonna nga byogera nti Eri oyo atudde ku ntebe, n'eri Omwana gw'endiga, omukisa gubenga n'ettendo n'ekitiibwa n'amaanyi emirembe n'emirembe. N'ebiramu ebina ne byogera nti Amiina. N'abakadde ne bavuunama ne basinza.

—Okubikkulirwa 5:9-14

Osaanidde ggwe, Mukama waffe, Katonda waffe, okuweebwanga ekitiibwa n'ettendo n'obuyinza. —Okubikkulirwa 4:11a

## AMAANYI AG'OMWOYO BW'O MUTENDEREZA

Katonda atuula mu Matendo ga balondebe. Omuntu atendereza ddala Katonda okuva mu mutima gwe. Alisukkirira mu mwoyo kubanga Katonda alituula mu Matendo ago. Kkubo ly'amazima doala okufuna nate okubeerawo kwa Katonda n'amaanyige mubulamu bw'omuntu.

Amanyi Agomwoyo agava eri Mukama gajja lwamwoyo gwe ("Jjuzibwa nomwoyo Omutukuvu"); lwakigambokye, Iwamusaayigwe, lwa linnya lye, lwa kwagala kwe okuyita mu kukomebwako, okusaba okutuukiridde okw'omuntu Omutukuvu era nokuyita mu kugondera Katonda. Mukatabo kano tulabye nekumanyi amalala—geg'okutendereza Katonda. Omuntu gyakomya okuwa Katonda ettendo ery'okwagalia gyakomya n'okufuna amanyi ag'omwoyo.

Published in numerous languages by World Missionary Press, Inc., as God supplies funds in answer to prayer. **For questions or more information by country, visit: www.wmp-contacts.org**

Read booklets online or by App
www.wmp-readonline.org

World Missionary Press
PO Box 120
New Paris, IN 46553-0120 USA
www.wmpress.org

4-24

1210 Luganda PTL